OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Okununulibwa n'Obulokozi: Ebyokusomako

Eby'okuwandiika

EKIBIINA #1:

I. Enyanjula.
II. Obulokozi:
   A. Ebintu ebikulu musanvu eby'engiriza ya Katonda.
   B. Okuddamu kw'omuntu eri obulamu.

EKIBIINA #2:

II. Obulokozi: (Byeyongerayo.)
   C. Emisingi gyobulokozi.
III. Okununulibwa:
   A. Enyanjula y'okununulibwa.
   B. Adamu: Omuntu w'ebyafaayo owa mazima.

EKIBIINA #3:

III. Okununulibwa: (okwongerako.)
   C. Obumu bwa Adamu eyasooka n'owokubiri.
   D. Kristo nga omuntu Yenyini.

EKIBIINA #4:

III. Okununulibwa: (Okwongerako)
   E. Kristo atalina ngeri ya kibi wabula nga yakemebwa.
   F. Enkola y'okununulibwa: Kristo eyazuukira yakontana ne Adamu eyayonoona.
   G. Ebiva mu kununulibwa: Okuddizibwa okuwangula, okussukkuluma.

EKIBIINA #5:

III. Okununulibwa: (okwongerako.)
   H. Obussukkulumu bwa Kristo ku Adamu.
   I. Kristo Omukulembeze wa banunule.
   J. Okumaliriza essomo: Ekigezo.

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika -

Okununulibwa n'Obulokozi: Ekigezo

Obubonero 20 Bwoyinza Okufuna mu Bibuuzo Bino

1) Wandiika era nyonyola ebintu ebikulu musanvu eby'enjigiriza ya Katonda ey'obulokizi (olup. 195).

2) Kozesa enukuta zino "AKT" okunyonyola ki kyekitegeeza okukkiriza (olup. 198).

3) Laga engeri Kristo gyayinza okukontana ne Adamu okusobola okunyonyola enkola y'okununulibwa (olup. 212, 213).

Obubonero 10 bwoyinza okufuna mu bibuuzo bino

1) Londayo ebintu ebikulu bibiri eby'enjigiriza ya Katonda ey'obulokozi era onyonyole engeri gyezikwaatagana n'obulokozi (olup. 195).

2) Mu biwandiiko bibiri oba bisatu nyonyola lwaki kikulu okunyweza ebya Adamu (emp. 202, 203).

3) Kozesa ebyawandiikibwa bibiri okuwagira enjigiriza y'ekibi kyenyini ekyasooka (olup. 205).

4) Yesu yayiga atya okugonda? Juliza ekyawandiikibwa kimu mu ky'okuddamu kyo (olup. 209).

5) Wandiika engeri satu Adamu ow'okubiri mwe yassukkkulumira ku Adamu eyasooka olw'okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda eri omuntu (tewetaaga kujuliza kwonna; olup. 215, 216).

6) Lagayo engeri emu mwe tubeerera n'ebingi ennyo mu Adamu ow'okubiri okusinga bye twalina mu Adamu eyasooka (olup. 217).

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

I. Enyanjula yessomo.

Eby'okuwandiika

Eky'okulabirako ky'Omuwandiisi:

Omulenzi yabeeranga kumpi n'enyanja. Yayagala nyo amaato yagatunuliranga nga gajja okuva mu guyanja ogunene buli lunaku. Olunaku lumu yatandika okuzimba eryato lye ely'okusabala. Yakolera ennaku mukaaga. Oluvanyuma ne liggwa. Teyalwawo kulitwaala ku mazzi, bwe yali nga ateeka eryato ku mazzi omuyaga ne gukyuusa mu ntambula yagwo. Ne gusindiika n'amanyi eryato mu mazzi okutuusa lwe lyabbira lyonna. Omulenzi natandika okukaaba. Buli lunaku yakomangawo mu kifo awo ku lubalama era okunoonya eryaato. Teyalilaba. Olunaku lumu yali ali mu kibuga ng'atambula nalaba eryaato mu ddirisa ly'eduuka. Lyali lyaato lye eryali libuze. Yayingira mu duuka nagamba nanyini lyo nti eryo lyaato lyange. Omusajja namugamba nti tayinza kulifuna okujjako nga alisasulidde doola 10. Omulenzi nawakana. Oluvanyuma yasasula sente ze sente zokka zeyalina. Omulenzi bwe yava mu duuka n'elyaato nagamba, **Lyaato gwe etono, oli wange emirundi ebiri, oli wange kubanga nakukola, era kati oli wange kubanga nkuguze.**

Katonda yatutonda. Ate nasasula omuwendo munene okutukomyawo. Luno lwe lugero lw'obulokozi n'okununulibwa.

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika -

A. Omutima gw'Obukristaayo.

1. Okuva mu kiseera Adamu weyagwira mu kibi mu lusuku Adeni, Katonda abadde n'entegeka emu eri omuntu. Eyitibwa ntegeka ya kununulibwa na bulokozi.

   a. Okubikula entegeka eno kulabika mu Baibuli okuva mu Lub 3:15 Okutuuka ku Kub 22:14.

   b. Okusiba kwe kukwaatira Baibuli awamu. Enfanana gwe musingi gw'enjigiriza y'ebya Katonda byonna.

   c. Okununulibwa n'obulokozi gwe mulamwa omukulu ogwa Baibuli.

2. Obulokozi kye kiruubirirwa kya Katonda ekisembayo eri Katonda n'omuntu. Abantu bonna baagala okulokoka. Katonda ayagala abantu bonna okulokoka (1 Tim 2:4; 2 Peet 3:9). olw'obugagga bwakyo nga omusingi gw'ebitundu ebirala byonna eby'engigiriza y'ebya Katonda, enjigiriza y'obulokozi bangi bagiyise "jjajja" w'ebya Katonda.

3. Okununulibwa ntegeka ya bulokozi. Eyo ntegeka ya Katonda ey'obulokozi.

B. Ebiri mu Ssomo lino.

1. Tujja kufunayo okuyiga ku bulokozi. Kino kijja kuba mu bufunze era kijja kutuyamba okututeekateeka olw'okuyiga okulala okw'endowooza emu ey'okununulibwa.

2. Tujja kuyiga okununulibwa mu ngeri ya Kristo nga Adamu ow'okubiri. Mu kuyiga kuno tujja kufuna okutegeera obulungi okw'ebyo ebiri mu kununulibwa lwaki kwaali kwetaagibwa era kwatuukirizibwa kutya?.

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika

II. Obulokozi.

A. Ebintu musanvu eby'enyigiriza ya Katonda ey'obulokozi.

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Tujja kusooka kulowooza engeri y'okutunuliramu endowooza z'obulokozi nga tuwandiika ebirowooozo musanvu ebikulu bye tuyiga ebiri mu nyigiriza eno.

1. Okununulibwa - Entegeka y'obulokozi.
2. Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri - Amazima n'amaanyi g'obulokozi.
3. Okutabaganya - Bwekikwaatagana n'obulokozi.
4. Okutangirira - omulimu oba omuwendo gw'obulokozi.
5. Okutukuzibwa - ebya mazima ebiva mu bulokozi.
6. Obutuukirivu - ekigo kyofuna mu bulokozi.
7. Okwawulibwa - y'enkola y'obulokozi.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa ekifananyi ekiddako okuteekawo eky'okwogera era n'okuba n'okutegeera okusingawo ku bintu omusanvu ebiri mu bulokozi.

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika –

Endowooza z'obulokozi	Enyinyonyola	Ebyawandiikibwa	Engeri gyekituu-kirizibwamu	Omuntu kyalina okukola.	Ekivaamu
Okununulibwa	Okukomyawo ekyo ekyaali kibuze	Tit 2:14 Zab 103:4 1Peet 1:13	Kristo nga Omuwanguzi 1 Kol 15:57	Okukkiriza: Oku-kkiririza mu Katonda omuwanguzi afuga	Okukulakulana Okufuga Okulaba omukisa
Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri	Okuzuukira, okuwa obulamu obuggya, okuddamu okuzaala	Yok 3:3-6; Bef 2:1 2Kol 5:17 1Yok 5:1 Bar 6:4 -11	Kristo nga omu-gabi w'obulamu Yok 10:28 1 Kol 15:45	Okukkiriza: Oku-kkiririza mu Katonda nti asobola era agaba obulamu obuggya	Kudda Buggya; Kukyuuka; Kutandika buto
Okutabaganya	Okutabaganya abawalaggana	2 Kol 5:19 Bar 5:6 -11 1 Yok 1:3	Kristo nga Omutabaganya (Beb 12:24)	Okukkiriza: Oku kiririza mu Katonda nti atu-kkiriza nga bwe tufanana	Kussa kimu Kutabagana Nkolagana ne Katonda
Okutangirira	Okutabaganyizibwa kwa bayonoona olwa sadaaka ya Katonda	Bar 4:6 -9 1 Peet 1:19 Beb 9:13-22 2 Kol 5:21 Bar 4:7	Kristo mu kifo kyaffe oba sadaaka yaffe	Okukkiriza: okuk-kiriza nti ebibi byaffe bibikibbwa-ko. Okwenenya: mu kwebaza n'okusiima	Okuggyawo ebibi; Okusonyiyiwa
Okutukuzibwa	Okuwaayo obubi abonoonyi mu maaso ga Katonda.	Bar 5:1,9 Beb 5:9	Kristo atalina kibi (2 Kol 5:21)	Okwenenya: Ekibi kyaffe kirabikira ddala.	Emirembe okuggyawo obusungu.
Obutuukirivu	Obutabaako kya kunenyezebwa mu maaso ga Katonda	Baf 3:9 Bar 10:1 - 10 Bef 2:10	Kristo nga atuukikirira (1Yok 2:1)	Okwenenya: Nga bwetulaba nti tetuyinza kubufuna.	Obuvumu: Enkolagana obutukuvu
Okwawulibwa	Okutukuza n'okwawula.	1 Bas 5:23 Baf 2:12,13 Bar 8:29 Beb 2:11	Kristo nga eky'o-kulabirako kyaffe oba omutuukiriza (Yok 13:15 Beb 12:2)	Okwenenya: enkola ebeerawo ey'okukyuuka okuva mu bibi.	Okukyuusibwa okubeera mu kifananyi kya Kristo; Emirimu emirungi.

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Buli kikolebwa eky'obulokozi kyesigamye ku kutegeera nti Yesu, olw'Omwoyo We atuula mu buli mukkiriza (Bag 2:20).

Waliwo engeri biri omuntu zakola okulokoka:
1) Okwenenya;
2) Okukkiriza (Mak 1:15).

Mu kifananyi tulaze bulungi ekimu oba ekirala ku buli nkola omusanvu ez'obulokozi. Wabula, buli nkola erimu enkola zombi okuzikola.

Eby'okuwandiika -

B. Omuntu Kyakola olw'Okufuna Obulokozi.

1. Kwenenya.

   a. Okunyonyola: **Okukyuuka** okuva mu bikadde okudda mu bippya era n'okuva mu bibi okudda mu birungi (Bik 3:19).

      1) Si kya kuwulira buwulizi nti okoze bubi (okwejusa).

      2) Si kuwulira buwulizi bubi (okunakuwala).

   b. Okukwaatibwako lwaki nina okwenenya?

      1) Olw'okubaawo kulwa Katonda n'okumusemberera (Mat 3:2).

      2) Olw'obubaka bw'enjiri (obulamu, okufa era n'okuzuukira kwa Yesu).

         a) Ekyo ekikwaata ku Katonda kyeyankolera nga kikwaatagana n'eskingwanira (Bar 2:4).

         b) Ekyo kyenyinza okukolera Katonda ekikwaatagana n'ekyo ekimugwanira (Rom 2:4).

      3) Kubanga njagala ebibi byange okusonyiyibwa (Bik 2:38; 3:19).

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika –

2. Kiriza (okukkiriza).

   a. Okumanya.

      1) Kyetaagisa (Bar 10:17).

      2) Nay'ate, tekimala okufuna obulokozi (Yak 2:19).

   b) Okukaanya.

      1) Okutegeera era n'okukkiriza amazima g'enjiri. Kino kiraga nti wajja kubaawo okugonda.

      2) Okutegeera era n'okukkiriza ekyetaago ky'omulimu gwa Kristo ogw'okulokola.

   c) Okwesiga.

      1) Omuntu obutetunulira (Nge 3:5, 6).

      2) Atunulira Kristo (Beb 12:2).

      3) Ensonga zino zombi ziraga nti waliwo enkolagana y'obuntu.

Omuwandiisi Kyakyogerako:
Okujukira ebikolwa bino ebisatu "eby'enzikiriza" oyinza okwetaaga okukola ebigambo mu nnukuta zino AKT ezikiikirira ebigambo bisatu (nga biri mu luzungu) ebitegeeza okutegeera, okumanya, n'okwesiga. Tukitegeera kino nti tekiyinza kukola mu lulimi lulala okujjako oluzungu. Jukira: Okukkiriza olina kuba nga ofunye okutegeera, okumanya, n'okwesiga (AKT) kubanga enzikiriza entuufu eya mazima elimu obuwulize (Yak 2:17).

3. Okwewaayo.

   a. Omuntu kyalina okukola okulokoka kwe kukkiriza (Yok 1:12). Okusobola okufuna, omuntu alina okwenenya n'okukkiriza. Okusobola okwenenya n'okukkiriza alina kwewaayo.

   b. Alina okulekerawo okulwanyisa Katonda. Ekinyusi ky'okwenenya n'okukkiriza kye kikolwa ky'okwewaayo (Mat 16:24, 25).

C. Emisingi gy'obulokozi.

1. Waliwo ebintu bina Katonda byalina okukola mu bulokozi.

   a. Okuwalula omuntu gyali (Yok 6:44).

   b. Okuzaala omuntu omulundi ogw'okubiri (Yok 3:1-5).

      1) Kino kitegeeza nti omuntu alina okuzaalibwa okuva **mu ggulu**.

      2) Laba Yesu bwe yazaalibwa okuva mu ggulu (Luk 1:35).

   c. Okunaaza ebibi by'omuntu (Yok 13:5-10; Bik 22:16).

      1) Kino kikiikirirwa okubatizibwa okw'omu mazzi.

      2) Genderera engeri Yesu gyeyazaalibwamu (Mak 1:9).

   d. Okuwa omuntu obuyinza okubeera mu bulamu Obukristaayo (Bik 1:8; 2:38).

      1) Kino akikola nga abatiza omukkiriza mu Mwoyo Omutukuvu.

      2) Laba engeri Yesu gyeyabatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu (Mak 1:10).

2. Omulimu gw'omusalaba n'ekkubo ly'omusalaba.

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika –

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yiga ekifananyi ekiddako era ositulewo okukubaganya ebirowoozo.



a. Omulimu gw'omusalaba (A okutuuka ku D).

1) Kino mulimu ekyo Yesu kyeyalina okunkolera. Kino tekirimu bikolwa byange.

2) Kiri ku kukkiriza mu Kristo.

3) Genderera engeri enjigiriza y'okuba nti okulokoka olw'ebikolwa kyanditegezeza nti omuntu omufu ayinza okulinnya olusozi wakati w'omuntu eyagwa/eyayonona n'omuntu eyalokoka.

b. Ekkubo ly'omusalaba (E okutuuka ku Z).

1) Lino liyigibwa oluvanyuma lwa kaseera n'okukula.

2) Okusingira ddala kulimu okuyiga okwetika ekikoligo. Kya Yesu era n'okuyiga okuleeka Yesu okubeera mu ye (Mat 11:29; Bag 2:20).

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kintu ki ekikulu ekyawula wakati w'omulimu gw'omusalaba n'ekkubo ly'omusalaba? Okukontana kwo kwawula kutya Obukristaayo okuva ku madiini amalala n'obufirosoofo?

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika

III. Okununulibwa.

A. Enyanjula y'okununulibwa.

1. Okunyonyola.

   a. Nga bwetwayogedde, okununulibwa ntegeka ya bulokozi.

   b. Nkola ekomyawo ekyo ekyabula.

      1) Okununula kwe kweddiza.

      2) Kwe kweddiza ekyo ekyaali ekikyo.

2. Okuva ku Adamu asooka okutuuka ku Adamu asembayo (okuva mu kufa okutuuka mu bulamu).

   a. Bingi nyo Katonda byeyali awadde Adamu mu kusooka byayononeka Adamu bwe yagwa olw'okwonoona mu lusuku Adeni. Byetaaga okununulibwa. Yesu Kristo, Adamu ow'okubiri; (1 Kol 15:45), yajja okununula ebyo Adamu eyasooka byeyayonoona.

      1) Baibuli etutegeeza okubikulibwa kw'olugero lw'okununulibwa okutandika n'obulamu bwa Adamu eyasooka era n'okweyongera mu ngeri yonna ey'obulamu bwa Adamu ow'okubiri.

      2) Bwekityo kibikkula olugero lw'okununulibwa okuva mu kufa okutuuka mu bulamu oba okuva mu kyabula okutuuka mu kye kikomezeddwawo.

   b. Paulo yayogera ku ndowooza eno ey'okununulibwa mu 1 Kol 15:20-26 ne Bar 5:12-21 nga bweyateekawo kye twandiyise enjigiriza ya Adamu okuba Kristo.

      1) Ebisigaddeyo mu ssomo lino bijja kutunulira njigiriza eno nga bwe tuyiga ekirowoozo ky'okununulibwa.

Eby'okuwandiika –

2) Essomo lyaffe lijja kutwaala ebirowoozo bino ebiddirira nga kiringa nti bwekyaali:

a) Yesu okufuuka Masiya, kyandimwetaagisiza okukomyawo (okununula) eri omuntu ebintu ebyo omuntu byalina okuba nabyo Adamu byeyasuula bweyajeemera Katonda.

b) Yesu Ye yali okutuukirira kw'ekigendererwa Katonda kyeyasooka okuba nakyo ku muntu. Enkolagana wakati wa Adamu eyasooka ne Adamu ow'okubiri yali efanana n'enkolagana wakati w'omuntu eyagwa n'omuntu eyanunulibwa.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Lowooza ku lugero lw'omununuzi mu Kitabo kya Luusi (2:20; 3:2; 3:9-13; era ne 4:1-22).

Laba kino engeri gyekiri eky'okulabirako (oba ekisiikirize) kya Kristo, oluvanyuma eyajja nga omununuzi anunula ow'ensi. Mu bufunze nyonyola eby'okulabirako ebirala eby'ensonga eno eya maanyi ey'ekisiikirize kya Kristo mu Ndagaano Enkadde. Makulu ki agali mu bigambo bino eby'Endagaano Enkadde mu kulaga Kristo?

B. Adamu: Omuntu Yennyini ow'Ebyafaayo.

1. Mu bantu ababuulira enjiri abasinga, kyetaagibwa okuwagira ebyafaayo bya Adamu. Baibuli ekkirizibwa okuba ekigambo kya Katonda ekya mazima.

2. Wabula mu banadiini abamu, waliwo endowooza emu eriyo ey'olugero lwa Adamu ne Kaawa olutakkiriza nti Adamu ne Kaawa ddala bantu ba byafaayo ebya mazima.

   a. Mu kifo ky'okukkiriza olugero nga ekyafaayo ekitulagibwa, kivuunulwa ng'ekiyiiye, ekiringa olugero olwongerwako okuyigiriza amazima g'Omwoyo.

   b. Endowooza eno egamba nti olugero nkola bukola ya kuyigiririzako buyigiriza".

Eby'okuwandiika

3. Nay'ate, mu bya Katonda okugaana Adamu ow'ebyafaayo kireeta ebintu ebitali birungi.

   a. Oba nga Adamu eyasooka teyali wa mazima, olwo lwaki twandyetaaze Adamu ow'okubiri? Ebivaamu ku nkomerero y'okugoberera engeri y'endowooza eno byeraga byokka.

      1) Mangu nnyo ebyafaayo bya Yesu byemulugunyizibwa.

      2) Olwo, ebyamagero bya Yesu byemulugunyizibwa.

      3) Eky'enkomerero, obwa Katonda bwa Yesu bwemulugunyizibwa.

   b. Abo abateekawo "enkola y'okuyigiriza" tebalabawo kwawula wakati wa kibi n'obutonde. Ekibi n'obutonde birabwa nga ebiriwo buli kimu nga kiriraanye kinnaakyo.

      1) Bwekityo ekibi kirabise nga ekitundu ky'eneyisa y'omuntu era n'obutonde. Kiri mu muntu nga kya butonde.

      2) Oba nga kino kya mazima, olwo Yesu tayinza kukiikirira muntu eyasooka.

      3) Si ekyo kyokka, kinafuya omuntu okumanya nti mwonoonyi.

      4) Obutamanya nti tuli bonoonyi kireeta obutaba na bwetaavu bwa kwenenya, ekireeta obutayagala kwatula bibi, ekivaamu obutasonyiyibwa bibi.

      5) Bino byonna nate, bivaamu obutabaawo kwetaaga byafaayo bya Yesu n'okununulibwa Kwatuwa.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Olaba engeri y'okwegaana amazima ga Adamu w'ebyafaayo bwe kiremesa omulimu gwennyini ogw'omulokozi ow'ebyafaayo? Mwogere ku bibuuzo byonna ebiyinza okubuuzibwa oba ebigambo byonna ebiyinza okwogerwakos.

C. Obwa Wamu Bwa Adamu Eyasooka n'Eyasembayo.

Eby'okuwandiika –

1. Okwongera ku kulaba Adamu nga omuntu ow'ebyafaayo, alina okulabwa era nga akiikirira abantu bonna.

   a. Ekigambo Adamu mu Lwebbulaniya kitegeeza "muntu."

   b. Kale nno, endagaano ya Adamu yali ndagaano na muntu. Bwe yamenyebwa, yamenyebwa muntu.

      1) Bwe tutegeera nti Katonda yakola endagaano n'omuntu omuntu namenya endagaano, olwo tutegeera obwetaavu bw'okutangirira eri bonna.

      2) Yesu nga Adamu ow'okubiri, yafa olwa bantu bonna. Yafiirira Abayudaaya ne Bannaggwanga (genderera nti Paulo Yesu tamuyita Musa wa kubiri).

      3) Yesu yafiirira abantu bonna kubanga abantu bonna endagaano bagimenya. Yafa ku lwa bantu bonna kubanga "bonna bayonoona nebatatuuka ku kitiibwa kya Katonda" (Bar 3:23).

2. Nga Lukka bwa yafaayo ennyo okulaga eby'okuzaalibwa kwa Yesu okuva ku Adamu (Luk 3:38), Paulo era yafaayo nyo okwetegereza Adamu era ne bonna olw'ekibi kye nga bwekikwaata ku ntegeka y'okununulibwa.

   a. Baefeso 2 alaga enjigiriza ya Paulo ey'okununulibwa.

   b. Yiga Bef 2:1-3, 11, 12.

      1) Paulo yalaga ekyetaago kya Bannaggwanga okuba nga banunulibwa (oluny.11, 12).

      2) Paulo era yalaga ekyetaago kya Bayudaaya okuba nga banunulibwa (oluny. 3).

         a) Paulo yayigiriza nti ekyetaago kya bonna kyetaaga eky'okuddamu ekya wamu."

         b) Yonyonyola engeri Adamu gyeyafaayo ku kyetaago kya bonna, era n'engeri Adamu ow'okubiri bweyafaayo ku kyokuddamu. Okugwa kw'omuntu (ekibi) kyetaaga kununulibwa kwa bonna.

Eby'okuwandiika

3. Eri Abayudaaya, Adamu bweyayonoona, bonna nebayonoona mu Adamu. Bwekityo, okuva mu kiseera ekyo omuntu mwonoonyi.

   a. Nga omuyimbi wa Zabbuli bwagamba tuzaalibwa mu kibi (Zab 51:5).

   b. Nga Paulo bwagamba, tuli bonoonyi (Bef 2:3).

   c. Yayongera okunyonyola ku ngeri y'ekibi mu Bar 5:12, 16. Nate obulokozi eri bonna (obulokozi eri Abayudaaya ne Bannaggwanga) eyo njigiriza eyetaagibwa kubanga ekibi eri bonna n'okufa njigiriza ya mazima.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yogera ku bibuuzo ebirala oba ebyokwogera ebikwaata ku ngeri y'ekibi kya Adamu eri bonna era n'engeri y'okununulibwa kwa bonna mu Kristo.

D. Kristo Nga Omuntu Eyasooka.

1. Ekibi n'okufa byaali kitundu ku ntegeka ya Katonda eyasooka eri omuntu (laba Bar 1:18-25)?

   a. Kirabikirawo nti Bar 1:18-25 lulagira ddala ebiri mu Lub 1-3.

      1) Omuntu ku lubereberye yatondebwa kuweereza mutonzi.

      2) Oluvanyuma lw'okuweereza ebitonde, omuntu natoowazibwa okusinga bye yali atondeddwa okubeera ku lubereberye.

   b. Wejukanye Bar 1:23.

      1) Ekigambo "bawaanyisa" kitegeeza ki?

      2) Okukontana wakati "w'obutavunda" "n'okuvunda" kitegeeza ki?

Eby'okuwandiika –

c. Kiyinza okugambibwa nti mu kusooka Adamu yalina obusobozi bw'obutafa.

1) Ddala, omuti gw'obulamu gwaali mu lusuku era gwaali muti ogwawebwa Adamu (Lub 2:9, 16).

2) Singa Adamu wakiri teyalina busobozi bwa butafa olwo okwonoona tekwadibadde kibonerezo (laba Lub 2:17).

2. Adamu asooka yandibadde ekintu ekirala okusinga kyeyafuuka. Ekinyusi ky'okununulibwa kiri nti Adamu ow'okubiri yali muwanguzi mu kifo ekizibu ennyo Adamu eyasooka we yalemererwa.

a. Yesu Kristo, omutabaganya atuukiridde, yafuuka ebibala by'omuntu ebibereberye" (lowooza 1 Kol 15:20). ("Ebibala ebibereberye, mu lulimi lw'obulimi, by'ebyo ebimera ebisooka eby'ensigo ezakasimbibwa. Biba bisuubizo ebisanyusa ebiraga nti okukula n'ebibala ebirala bijja kweyongera okubaawo.)

b. Fumitiriza ku bigambo ebiddako: **Obw'obuntu bwa Adamu si bwe butonde bwe, naye bwe bwa Kristo.**

1) Mu kulaba kwa Katonda okutaggwawo, obw'obuntu bwa Kristo bwe busooka obw'obuntu bwa Adamu mu ngeri nti ekigendererwa kya Katonda eri omuntu kyaali kye kyasooka obujeemu bwa Adamu.

a) Adamu, eyali ow'olubereberye, mu mazima ye yali ow'okubiri.

b) Kristo, eyali ow'okubiri mu mazima ye yali ow'oluberyeberye.

2) Abayivu bangi bagamba nti Adamu yandivuunuddwa nti "omusajja" oba "omuntu". Eky'omukisa omubi, yafuuka "omuntu ataatondebwa bwatyo".

3) Mu Yok 19:5, Piraato yagamba: "Laba omusajja" Eky'omukisa omulungi, Yesu yali "omuntu yenyini." Nga Adamu eyasooka bwe yalemwa, Kristo Adamu ow'okubiri yatuukiriza okwagala kwa Katonda (Isa 53:11, 12).

3. Kikulu okutegeera nti ekyasooka era ekyagendererwa mu bulamu bwa Adamu (omuntu) kituukiriziddwa mu bulamu bwa Kristo Yesu.

Eby'okuwandiika

   a. Okutegeera kuno kutuyamba okutegeera omuwendo omunene Yesu gwe yasasula ku musalaba.

      1) Mu buvunanyizibwa bwe nga Adamu ow'okubiri, Kristo yalina obusobozi bw'okutafa/bw'obutaggwawo. Ekibi kyekikutwaala mu kufa (Bar 6:23), era Kristo teyalina kibi (Beb 4:15). Teyalina kufa.

      2) Okufa Kwe kwaali kwa kwewaayo kyeyagalire.

      3) Tuyinza **okuwulira** ebiva mu kufa kuno okw'ekyeyagalire.

         a) Ekitegeeza okwagala kwa Katonda okulabika eri ebitonde bye.

         b) Ekitegeeza okutangirirwa n'ekirowoozo kya Yesu Kristo nga eyadda mu kifo kyaffe.

   b. Okutegeera kuno era kutuyamba okutegeera obutonzi n'obufuzi mu ntegeka ya Katonda ey'obununuzi.

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Yesu yatuukiriza byonna ebyetaagisa eby'omuntu okufanana ne Adamu eyasooka, naye okusingawo. Era yatuukiririza ddala bulungi nyo ebyetaagisa byonna eby'obwa Katonda. Yali muntu ddala, era yali Katonda ddala, agatiddwa wamu naye ng'alina ebikula bibiri. Kino kyaama ekijaguzibwa mu kkanisa, era nsonga nzibu nnyo etali mu njigiriza nkyaamu na mu diini za bulimba. Tewali diini ndala yonna egamba bweti.

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika –

1) Yesu, eyazaalibwa nga ye Adamu **ow'okubiri**, teyazaalibwa na ngeri ya kibi. Teyazaalibwa nga omuntu obuntu **omulala**.

   a) Nolwekyo, Atuukiriza obutonde bw'omuntu mukifo ky'okubuzikiriza.

   b) Era bwekityo mu Bar 8:3 agamba nti yatumibwa mu kifananyi ky'omubiri omwonoonyi.

   c) Yatumibwa mu "kifananyi" ("omoi" mu Luyonaani), so ssi mu "kutuukirira" ("omo" mu Luyonaani). Enjawulo yokka eriwo mu Luyonaani eri emu eyeyongerako "iota."

2) Kino kitegeeza nti obutonde n'obufuzi bw'okununulibwa tebuzikkiriza muntu kyeyafuuka, naye butuukiriza omuntu kyeyandibadde.

   a) Okunulibwa kweddiza omuntu kyeyali asudde. Tekukomyawo ebyo omuntu byakoze.

   b) Okununulibwa kugattako so ssi kutoolako. Kugatta (oba kweddiza) ekyo ekyandibadde mu kifo ekisooka nga tekyetaagisa nnyo kutoolebwako (okutuusa Mukama lwakomawo natonda buto eggulu n'ensi) ebyabaawo mu kifo eky'okubiri.

      (1) Nolwekyo, omuntu eyanunulibwa akyayinza okubeera mu nsi eyayonoona.

      (2) Tuyinza okufuna okununulibwa mu bulamu bwaffe nga tukyalina okuyita mu byatutuukako ebyava mu bikolwa byaffe eby'edda.

      (3) Paulo yalina okwogera ku mazima g'engeri ebiri (laba Bag 5:17 ne Bar 7:14-20).

Eby'okuwandiika

E. Kristo Atalimu Kibi Song'ate Yakemebwa.

1. Yesu teyali "ddala" mwonoonyi kubanga teyazaalibwa muntu, naye Omwoyo Omutukuvu.

2 Ye, okufanana nga Adamu, yazaalibwa talina kibi.

3. Ba Adamu ababiri be bantu bokka abalina obusobozi okubeera mu bulamu obutuukiridde.

   a. Adamu we yalemererwa, Yesu yawangula.

   b. Eno y'engeri emu enyonyola ki ekyaleeta okununulibwa okuba okwa mazima.

4. Song'ate Yesu okufanana ne Adamu naye yakemebwa.

   a. Ebikemo bino byaali bya ddala. Yesu teyabitambulirako butambulizi bwatyo. Yalwanagana nabyo.

      1) Okusinziira ku Beb 5:7, 8, Yesu yabonabona okusobola okuyiga okugonda. Yabonabona mu ki? Yabonabona mu bikemo eby'omubiri Gwe (oluny. 7).

      2) Okununulibwa kulina omuwendo. Omuwendo tegwasasulibwa ku musalaba wokka, naye gwasasulibwa mu bulamu bwa Yesu bwonna nga yeteekerateekera omusalaba.

      3) Yayiga okugonda (yawangula ebikemo) okuyita mu bintu byeyabonabonamu.

      4) Mu nakku Ze ng'ali mu mubiri (mu nnaku z'okukemebwa Kwe) yawaayo okwegayirira kwe n'okukaaba okunene n'amaziga.

         a) Okweddiza eky'obutonde nga si kuzikiririza ddala ekitali kya butonde kyaleetera Yesu okubonabona. Kino kya mazima ne muffe era, nga Katonda bwakola obununuzi Bwe muffe.

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika –

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yita mu nsonga eno nga bwekwatagana ne byetwogeddeko waggulu ebikwaata ku kununulibwa nga bwekuli okugattako so ssi kutoolako. Kati lowooza engeri bino byonna bwe bitukwaatako. Bitegeeza ki?

b) Okukuyamba okuddamu ekibuuzo kino lowooza 2 Tim 3:12. Tulina okujjukira nti mu kununulibwa kwaffe twafuuka banaggwanga (ensi eno si yaffe) Tuli bitonde biggya (abakyalwanagana n'ekitonde ekikadde muffe) okubeera mu nsi ejjude ebitonde ebikadde. Obutonde bwolekanye n'obutali butonde. Ekituufu kikwaataganye n'ekikwangala. Nga bwekiri ne Yesu, kino kivaamu kubonabona (Yok 15:20).

c) Nolwekyo, mu kutegeera okumu (mu kumanya nti Bag 2:20 wa mazima), okubonabona okw'okununulibwa kweyongera kubanga okulwanagana kw'obutonde n'obutali butonde kweyongera (Bak 1:24; Bag 6:17).

b. Ebikemo byaali bya mazima ddala eri Yesu nti ne Baibuli etugamba nti Yesu atusaasira mu bunafu bwaffe (Beb 4:15).

c. Ebikemo biyinza okuteekebwa mu mitendera esatu awamu (yiga 1 Yok 2:16).

1) Okwegomba kw'omubiri.

2) Okwegomba kwa maaso.

3) Okwegulumiza kw'obulamu.

a) Kaawa yayita mu byonna mu lusuku Adeni (Lub 3:6).

(1) Okwegomba kwa maaso: omuti gwaali mulungi okulya."

(2) Okwegomba kwa maaso: gwaali gusanyusa amaaso."

(3) Okwegulumiza kw'obulamu: omuti gwaali gwegombebwa okuleeta amagezi eri omuntu."

b) Yesu yabiyitamu byonna ngali mu ddungu (Mat 4:1-11).

(1) Okwegomba kw'omubiri: Lagira amayinja gano gafuuke emmere" (oluny. 3).

(2) Okwegomba : Namulaga obwakabaka bwonna obw'ensi n'ekitiibwa kyayo" (oluny. 8).

(3) Okwegulumiza kw'obulamu: wesuule wansi (okulaga nti oli wa njawulo: oluny. 6).

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Kirina okutegeerwa nti Lukka (4:1-13) akyuusa entegeka y'ebikemo obutakwaatagana n'ebyo ebiri mu Matayo. Okukyuusa kuno kukola entegeka y'ebikemo bya Yesu nga bwe biri mu 1 Yok 2:16 ne Lub 3.6.

Kino tekirina kukwewuunyisa. Enjiri ya Lukka era nayo ya njawulo ku njiri ya Matayo mu ngeri nti Lukka alaga olulyo lwa Kristo okuviira ddala ku Adamu songa ye Matayo alulaga kuva ku lbulayimu.

Jukira enjiri ya Lukka y'enjiri eya bonna. Eluubirira kutuuka ku bantu bonna. Essa essira ku kununulibwa kwa bonna. Essa essira ku mazima nti Adamu ow'okubiri, okusobola okununula abantu, yalina okukemebwa nga Adamu eyasooka. Ddala kino kitundu kikulu nnyo eky'okununulibwa.

d. Okutuusa Yesu lwe yawangula ebikemo ebisembayo eby'obulamu Bwe (lowooza ku lutalo mu Luk 22:44), Obutaba Bwe na kibi bwakwaatagana n'obutaba nakibi Adamu bwe yalina nga Tanayonoona.

e. Amawulire amalungi gali nti, era emirembe gyonna galiba nti Yesu Kristo yawangula ebikemo bino byonna.

1) Obutaba na kibi bwa Kristo bwakakasibwa ddala okubeera obutaba ddala na kibi. Kino kyaali kyetaagisa okusobozesa okununulibwa okubaawo.

2) Kristo yakutuukiriza Ye. Obuwanguzi Bwe eri abikemo kwajja okuyita mu kubonabona era nekukkomekkereza mu kugondera ddala.

Ekyokubaganyako Ebirowoozo

Bulijjo tulina okuteeka eby'okuyiga byaffe mu bikolwa. Ng'abakulembeze b'ekkanisa, bikemo ki byemutera okusanga ennyo? Ofuna amaanyi, mu kumanya nti Yesu yawangula ebikemo nga naawe byoyitamu? Okitegeera nti Kristo ng'ali muffe, tusobola okulaba obuwanguzi? Mutwaale ekiseera okusabiragana okubeera n'obuwaguzi mu nsonga zino.

F. Enkola y'Okununulibwa: Kristo Eyazuukira Yakontana ne Adamu Eyayonoona.

1. Obutagonda bwakontana n'okugonda.

a. Yiga Bar 5:19.

1) Adamu eyasooka yayonoona. Yali mujeemu.

2) Adamu ow'okubiri yazuukira. Yali muwulize.

b. Jukira, obutagonda buno bwayigibwa, era nebukakasibwa okuyita mu bikemo.

1) Engeri y'obwa Katonda Bwe teyagaana buntu Bwe kuyita mu mazima abantu gebayitamu.

2) Kyaali kikolwa ekyava mu nkula Ye ey'obuntu.

Eby'okuwandiika

c. Wejukanye Beb 5:8.

1) Okununulibwa kukwaata ku kitundu kya Kristo eky'obuntu.

2) Kitegeeza okugonda **okuyigibwa** okwava mu kubonabona omuwandiisi wa Abaebbulaniya kwagamba: Era bweyamala okutuukirizibwa, yafuuka eri abo bonna abamugondera ensibuko y'obulokozi obutaggwawo."

2. Amalala okukontana n'obwetowaze.

a. Yiga Lub 3:5 ne Baf 2:6.

1) Adamu eyasooka yagwa. Yayagala okuba nga Katonda. Adamu musajja eyayagala okwegulumiza akubeera nga Katonda.

2) Adamu ow'okubiri yagolokoka. Teyalowooza kintu kyonna ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda.

3) Yesu Katonda era Katonda yayagala okukkakkana okubeera ng'omuntu. Mungeri y'emu, Katonda yalaga okwagala Kwe n'omuwendo gw'omuntu nga Ye Yenyini akyuuka----mu Kristo----olw'okununulwa kw'omuntu.

b. Okununulibwa kwajja Kristo bwe yakyuusa okwegulumiza kw'omuntu, okwamuleetera Okugwa, n'okwetowaza kwa Katonda, Okwaleeta okugulumizibwa.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Oba nga okununulibwa kwaffe kwava mu bwetowaze n'okugonda, olwo lwaki, tukkiriza obujeemu n'amalala mu bulamu bwaffe? Yogera ku kizibu ekyo n'ebiyinza okulowoozebwa okukolebwa okusobola okumalawo ekizibu kino .

Eby'okuwandiika -

G. Ebiva mu Kununulibwa: Okweddiza, Okuwangula, Okussukkuluma.

1. Okweddiza ekyo ekyabula.

   a. Okweddiza enkolagana ne Katonda.

      1) Okuyitibwa kw'omuntu okwa waggulu kwe kumanya Katonda. Omuntu yakolebwa okuba n'ekigendererwa ky'obulamu okuyita mu nkolagana ye ne Katonda.

      2) Wabula, Adamu bweyayonoona, nateekawo ekisenge wakati wa Katonda n'omuntu.

         a) Adamu eyasooka yateekawo ekisenge. Adamu ow'okubiri yakigirawo ddala emirembe gyonna.

         b) Yesu abikula Katonda eri omuntu. Yamenya ekisenge Adamu kye yazimba. Kati aliwo nga omuntu yenna mwayinza okuyita nabeeraa n'enkolagana ne Katonda.

         c) Mungeri y'obununuzi, Kristo yafuuka omutabaganya atuukiride okusobola okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda ekikulu eri omuntu.

   b. Okweddiza ekitiibwa ky'omuntu.

      1) Omuntu ekisinga okuba ekya waggulu kyaali kiri nti omuntu yakolebwa mu kifananayi kya Katonda. Kino kyalimu ekitiibwa ekimu omuntu kyeyalina (2 Kol 3:18 ne Bar 5:2).

      2) Adamu yafiirwa ekitiibwa kino. Yakivaamu.

      3) Yiga Bar 3:23.

         a) Ekigambo "okugwa" kiva mu kigambo ky'Oluyonaani 'usterontai' Ekigambo kino kiyinza okuvuunulwa nti "okulemwa okutuuka" oba "okubivaako."

         b) Ekitiibwa omuntu kyeyalina **yakivaamu** bweyagwa.

         c) Kiddizibwawo nate mu Kristo aga bwetweyongera okukyuusibwa mu kifananyi Kye kyenyini okuva mu kitiibwa okudda mu kitiibwa" (2 Kol 3:18).

2. Okuwangula oyo eyali awangudde.

   a. Kubanga Adamu asooka yafiirwa ekitiibwa kye eri Sitani mu lusuku, Adamu ow'okubiri yalina "okuwangula" Sitani, okufa n'ekibi ku musalaba, bwekityo akomyawo omuntu mu kifo eky'ekitiibwa kye ekitaggwawo, era n'essanyu lya Kitaawe.

   b. Adamu ow'okubiri ajja nga oyo azaawo era awangula.

      1) Ku musalaba, Yesu yawangula Sitani, okufa era n'entaana. Yazaawo ekifo eri omuntu ekiri waggulu w'obufuzi n'obuyinza n'amaanyi n'okufuga na buli linnya elituumibwa" (Bef 1:21).

      2) Omuntu agabana ku munyago gw'obuwanguzi buno mu ngeri nti yazuukizibwa wamu Naye, era atudde wamu Naye mu bifo ebya waggulu" (Bef 2:6).

   c. Yesu bweyawangula Sitani ku musalaba, Yawangula okufa.

      1) Okufa tekyaali mu ntegeka ya Katonda eyasooka eri omuntu (Lub 2:17).

      2) Okuyita mu kuzuukira, Yesu yawangula okufa (Bar 6:9).

      3) Mu Adamu ow'okubiri, okufa kujja kujjibwawo omulundi gumu (1 Kol 15:26). Tununuliddwa okuva mu kufa (Beb 2:14, 15).

3. Okussukkuluma Adamu Eyasooka mu ngeri y'okutuukirira. Adamu ow'Okubiri yassukkuluma Adamu Eyasooka nga atuukiriza ebigendererwa bya Katonda eri omuntu.

Eby'okuwandiika -

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yiga ekifananyi ekiddako ositulewo eky'okwogerako ekikwaata ku Adamu asooka n'owokubiri.

MU ADAMU ASOOKA	MU ADAMU OWOKUBIRI	EBYAWANDIIKIBWA
Bangi bafuuka bonoonyi	Bangi balifuuka abatuukirivu	Bar 5:19
Tuweebwayo eri okufa	Tuweebwa obulamu obutagg-wawo	Bar 5:12,21 1 Kol 15:26
Tufuuka bonoonyi nga bwe yafuuka omwonoonyi	Tuli bitonde biggya	Lub 5:3 2 Kol 5:17
Tusibiddwa mu kubonabona awatali kuwumula	Tuli ba ddembe mu kiwumulo ekitaggwawo ekisangibwa mu Ye	Beb 4:1-3 Bag 5:1
Tusingibwa omusango	Tuweebwa obutuukirivu n'obulamu	Bar 6:18

H. Okussukkulumu kwa Kristo Ku Adamu.

1. Kituufu nti omuntu omununule alina obutonde bwa mirundi ebiri kati. Balwanagana. Wabula, kikulu okutegeera nti Paulo tabogerako nga abalina obutonde obwenkanankana.

   a. Amaanyi agava mu kutuukirizibwa kwa Adamu ow'okubiri gassukkulumye amaanyi agava mu bikolwa bya Adamu eyasooka.

   b. Amaanyi ag'ekisa gali waggulu wa maanyi ag'ekibi (Bar 5:20).

   c. Enkolagana ya Adamu owokubiri ne Adamu asooka ekwaatagana. Adamu ow'okubiri asingawo nyo (Bar 5:9, 10, 15, 17, 20).

1) Mu Bar 5:12-21 Paulo yalaga ekifananyi kya Kristo nga agamba nti "**oyo**"asinga **omulala** (Adamu).

2) Awo ddala waliwo okutegeera nti engeri yokka ba Adamu ababiri gyebakwaatagana eri nti ow'okubiri mukulu nyo okusingira ddala eyasooka.

3) Paulo teyatunulira Adamu okulaba engeri gyeyagattibwamu ne Kristo. Atunulira Kristo okulaba engeri gyeyagattibwamu ku Adamu.

2. Katonda anoonya omuntu. Omuntu si yanoonya Katonda (Yok 15:16; Luk 15:1-7; Bar 10:6, 7).

   a. Ekisa kya Katonda kiwangulira ddala bulungi ekibi ky'omuntu.

   b. Mu buli ngeri, tulina bingi okusingawo mu Adamu ow'Okubiri okusinga byetwalina mu Adamu eyasooka.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Kozesa ekifananyi ekiddako okuyamba okuyonyola era oyogere engeri ffe nga abakkiriza abali mu Kristo bwetulina ebingi okusingawo byetwalina mu Adamu asooka.

ADAMU EYASOOKA	ADAMU OWOKUBIRI	EBYAWANDIIKIBWA
Yatondebwa mu , kifananyi kya Katonda mungeri ya Katonda	Okumasamasa kw'ekitiibwa Kye era okukiikirirwa kw'obutonde Bwe	Lub 1:26 Beb 1:3
Yawebwa obulamu okuva eri Katonda eyamufuuwamu omukka ogw'obulamu mu nyindo ze.	Yafuuka Omwoyo oguleta obulamu	Lub 2:7 1 Kol 15:45
Yava mu nsi/wa nsi	Yava mu ggulu/wa mu ggulu	1 Kol 15:47

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika -

I. Kristo: Omukulembeze w'Omulembe gwa Banunule.

1. Kristo ye mukulembeze "w'omuntu omuggya". Song'ate Adamu ye mukulembeze w'omuntu omukadde.

   a. Ekigambo kino kirina okutegeerwa awamu n'okutegeera nti waliwo okugwa kw'omuntu (Adamu) era omuntu omuggya (muggya" mu ngeri nti tabangawo okusooka).

   b. Kristo si ye Adamu omuggya. Ye Adamu ow'okubiri. Bwekityo ye Adamu yennyini.

      1) Bwekityo, twogera ku kugwa kw'omuntu era **n'okununulibwa** kwa bantu (okuzzibwawo wewali).

      2) Kristo si mukiise wa mulembe **omuggya** wabula mukiise w'omuntu atuukiridde. Afanana nga Adamu eyasooka naye asingawo nnyo olw'obuwanguzi Bwe. Kino kwe kununulibwa.

2. Eby'omuntu bitabulwatabulwa obw'obuntu.

   a. Akkiririza mu by'omuntu atunulidde Adamu eyasooka yekka. Ayagala omuntu, kyakkiriza nti kirungi era teyetaaga kununulibwa. Ekituufu kiri nti, ayagala ekyo ekyamenyebwa, ekyaagwa, era ekyayononeka.

      1) Adamu asooka ye katonda we.

      2) Nolwekyo, afiira wamu ne Adamu eyasooka (laba Bar 6:23).

   b. Omukristaayo atunulira Adamu ow'okubiri. Ayagala omuntu yenyini, afuusibwa omuggya olw'Omwoyo gw'obulamu mu Kristo atuula mu ye.

      1) Adamu ow'okubiri ye Katonda we.

      2) Nolwekyo yazuukizibwa wamu ne Kristo (1 Kol 15:2, 20, 23).

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika

J. Okumaliriza essomo.

1. Mu kuzaalibwa kwaffe mu mubiri tumanyi enkola ya Adamu eyasooka. Okulokoka kwe kuzaalibwa omulundi **ogw'okubiri**. Kwe kumanya enkola ya Adamu ow'Okubiri. Kubgana tuzaalibwa emirundi ebiri, tulina obutonde bwa mirundi ebiri. Obutonde buno obw'emirundi ebiri bulwanagana bulijjo. Naye tuyinza okusanyukira mu kussukkuluma kwa Adamu ow'Okubiri okusinga mu Adamu eyasooka, nolwekyo ekitonde kyaffe ekiggya kissukkuluma ekitonde kyaffe ekikadde.

2. Adamu yalemwa. Kristo yawangula. Okuba nga tukkiriza ekitonde ekiggya (Kristo) okufuga obulamu bwaffe gyetujja okukomya okuwangula. **Alleluya**!

OKUNUNULIBWA N'OBULOKOZI

Eby'okuwandiika -